

# Ganyulwa mu kusoma bayibuli – Otya?

**Nsobola ntya okukola okugezesa okw'ennaku 14?**

## *Mukwano Andrew ,**

Oyinza okuba nga wali okozeeko entegeka ey'okwesomera ekitabo ekisinga okusomebwa mu nsi – Bayibuli. Abamu batandise okukisoma, naye ate enteekateeka yabwe eyo ne bagivaako. Kiyinzika okubeera nga baali tebanazuula engeri ey'okutandika entuufu. Nkulagirire enkola ey'okugezesa eye'nnaku 14? Naye wandiyagadde okusooka okumanya larry enkola eno bwe yamugendera?

### Okugezesa okusikiriza

Paul ne Larry baali bagabana ekisenge kimu mu biseera nga bakyali ku Univasite. Larry yetegereza Paul okumala emyezi egiwerako. Nga wayise ekiseera yamugamba: "Buli ku makya obeera musanyufu ng'osoma Bayibuli yo. Era ebiseera ebimu ekiro bwe nzuukuka nkulaba ng'ofukamidde okuliraana ekitanda kyo ng'olina gw'osabira. Mbuulira, ekyo okikola otya?" "Larry, Katonda yanyamba. Bw'oba oyagala okumanya ekyo engeri gye kikolamu, kola okugezesa kuno. Nkusaba okumala eddakiika 15 osome Bayibuli n'okusaba buli lunaku okumala wiiki bbiri. Awo ekintu ekinene kigenda kutuukawo mu bulamu bwo. Nkimanyi nti kituufu, kubanga Katonda asubiza mu Yakobo 4:8 (NKJV): *"Musemberere nga Katonda, naye anabasembereranga mmwe…"*

**bwe tukuba oluta olutono eri Katonda, Awo ye akuba oluta olunene ennyo gye tuli. Kiwa essanyu kino okukigezaako**

bwe watabaawo kituukawo mu wiiki ebbiri, awo eby'okukkiriza byerabire, kubanga Katonda anaabeera takuumye kisuubizo kye. Ojja kuba tewetaaga kumuweereza . Kubanga mu mbeera eyo abeera yevvedde. Bw'ogenda gyali, naye ajja kujja gyoli nga bweyasubiza." Larry yamuddamu, "Kirungi, nja kukigezaako ndabe ekinaabeerawo." Olunaku olwaddako, yazuukuka ebulayo essaawa okutuuka ku budde bw'azuukukirako n'asoma mu Bayibuli. Nga wayiseewo wiiki emu Larry yagamba Paul, "ntuuse mu makkati g'ennaku endagaane. Singa mu wiiki eddirira tewabaawo kituukawo, awo Bayibuli yange mbeera nsobola okugisuula, kubanga gwe ne Katonda mubeera balimba." Nga wayise ennaku entono Larry yagamba, "Paul, mu nnaku ssatu wiiki ebbiri zijja kuba ziweddeko. Buli lunaku okumala eddakiika 15 mbadde nsoma Bayibuli n'okusaba naye era tewali kituuseewo." – "ebula olunaku lumu

* ly'erinnya eryalondebwa okutujjukiza Andrew Bayibuli gweyogerako , eyatwala mugandawe peetero eri Yesu (Yokaana 1:40-42).

Wiiki ebbiri ziggweko.” Olunaku olusembayo lwatuuka. Wiiki ebbiri zaayitawo. Larry talina kye yanyega.

Olunaku olwaddako yazuukuka era n’asoma mu Bayibuli. Era yakola ky’ekimu olunaku olwaddako. Wiiki nnamba yayitawo era nga mpaawo ky’akinyegako. Olunaku lumu ku makya Paul bwe yali mu kusinza, Larry yamugamba, “Okimanyi nti wiiki ebbiri zagwaako. Ennaku entono eziyise, nkizudde nti sikyayinza kubeerawo awatali Katonda.”

## Okubeera ne Katonda

**Oyo yenna afuna enkolagana ey’obuntu ne Katonda, tayinza kwagala kuyita mu bulamu nga tali na Katonda.**

Tetusobola era tetujja kubeerawo awatali Katonda. Obulamu obujjudde ebimenya omutima, okulumirizibwa n’okwelariikirira, bwe tutabeera na Katonda. Nkusuuubira okuzuula ekyo Larry kye yazuula. Bw’oba tewekakasa bulokozi bwo, nga obulamu bwo ne Katonda tebuli ekyo kye bulina okubeera, kigezeeko okumala wiiki bbiri: mala eddakiika ezitakka wansi wa 15 mu lunaku ng’oyogerezeganya ne Katonda. Tandikawo enkolagana ey’obuntu ne Katonda. Naddala faayo nnyo ku maanyi ga Mwoyo Mutukuvu. (Soma ku Bbaluwa eri Andrew Namba. 14 – Obulamu mu maanyi ga Katonda – Butya?) [byagyibwa mu kusomesa kwa Paul Volk okugoberegana mu Nürnberg ku “Bukristaayo” – omutwe 11]

Abamu bandiyagadde okutuukiriza bbo bye balowooza okukola mu naku zino14 ez’okugezesa . Naye, omuntu bw’aba nga akyanoonya eby’okukolera mu biseera bye eby’okusinza kululwe, nandimulagiridde okufuna akatabo ke ak’ekyama mw’awandiika bw’aba mu kifo ekisirifu.

Eno y’engeri gyenkozesa akatabo kange ak’ekyama kano. Mpandiikamu ennaku z’omwezi, byenzigye mu Bayibuli ( Okugeza Zabbuli 92:1-7) n’ekirowoozo ekikulu – Ebyawandiikibwa ebyo bikwata ku ki? Awo bwe mala, nempandiika okuddamu kwange, naye nga tekusukka ennyiriri nnya (4).

Ekiddako, Ntandika Omuko omupya n’enguwa omutwe – okuteeka mu nkola - muno nzigyamu ki ku lwange? Nate, mpandiika okuddamu kwange nga nkozesa ennyiriri ezitasukka nnya.

Akatabo kano ak’ekyama k’okozesa mu budde bwo ng’oli wekka kamuwendo nnyo mu kukuyamba okufuna obukkiriza obunywevu. Kasobola okukuyamba okufuna akadde ko akasirifu ng’oli ne Katonda. Ekyo kikuyamba okukula mu by’omwoyo n’okukusomesa okuyiga okusoma ekigambo kya Katonda okuva mu kuyaayaana munda mu ggwe n’okunoonya wamu n’okuteekawo obubeezi ne Katonda.

## “Akadde akasifu ng’oli wekka” kalimu miganyulo ki ?

Akadde akasirifu ng’oli wekka (okusinza) ky’ekitundu ky’olunaku ekisinga obukulu eri omugoberezi wa Yesu. Bw’omala ekitundu ky’olunaku eky’enjawulo ng’oli ne Katonda, ojja kuzuula nti wajja kubeerawo enkyukakyuka ennungi mu by’olowooza n’obulamu:

- Ekigambo kya Katonda kijja kufuuka ky’amakulu gy’oli.
- Obulamu bwo obw’okusaba bujja kubeera bwa muzinzi era nga bulimu amakulu.

- Ojja kufuna ebiruubirirwa ebinene eri obulamu bwo.
- Mu biseera ebizibu ojja kubeera n'omusinji omulungi era omugumu.
- Ojja kweyongera okusemberera yesu era ajja kubeera muganzi gy'oli .

## Ebiyinza okukolebwa mu budde "bw'akasirikiiriro"

### Budde ki obusaanidde?

Londa obudde mu lunaku obusinga okukukolera. Obudde obusinga obulungi bw'ebwo obusinga okubeera obusirifu mu lunaku lwo. Butera kubeera mu ssaawa za kumakya. Obwongo bwaffe buba buggule era nga bukwata nnyo.

**Bw'otandika olunaku lwo ng'oli wamu ne Katonda, awo oba olina omukisa okuteeka olunaku mu kuluŋŋamizibwa Katonda n'okwewonga eri ye ku lwolunaku olwo.**

Nandisabye nti obudde bwo obw'akasirise bw'olonze obusukkulumye ku bintu byonna ebirala . kino kijja kukukolera

### Okusinza okukola otya?

***Saba esssaala ey'okwewonga.*** Esobola okugenda bw'eti:

Essala

**"Katonda ow'amaanyi, leero neewonga na buli kyendi ne kyenina gy'oli . nkusaba onuŋŋamye ne Mwoyo Mutukuvu. Era okulembere ebirowoozo byange nga bwe nsoma ekigambo kyo. Nkwebaza. Amiina."**

***Soma ebintundu ebimpimpi eby'ekigambo kya katonda n'okubyefumintirizaako:*** Ku nkomerero y'ebbaluwa eno ojja kusanga ebitundu by'ebyawandiikibwa ebirondeddwamu kulw'okugezesa okw'ennaku 14. Waliwo n'ebibuuzo ebikuyamba okukuwa entandikwa ennungi. Ebibuuzo bikuyamba okwennyika mu mutwe ogw'ebyawandiikibwa. Yesu ageragenranya ekigambokye ku mmere nga wetali tetusobola kubeerawo (Matayo 4:4). Gy'oneeyongera okukwataganya ebirowoozo byo n'ekigambo kya Katonda, gy'ojja okweyongera okuyiga okulowooza n'okukola nga Katonda bw'ayagala mu mbeera ez'enjawulo mu bulamu bwo.

### Ebyawandiikibwa mu bayibuli ebisengekeddwa mbisanga wa?

Buli Bayibuli erina olukangaga olulaga ebigirimu olukulembera endagaano empya n'enkadde. Ojja kusangamu embyawandiikibwa ebisengekeddwa okuvamu Zabbuli, Yoshua ne Yisaaya mu ndagaano enkadde , n'okuva mu Lukka ne baruumi mu ndagaano empya.

### Waliwo ebiyambako ebyesigika ebisobozesa okwenfumintiriza okukola obulungi?

- Ye, ddamu ebibuuzo ebibiri mu buwandiike, okusingira ddala ng'okozesa ebigambo byo. Naye okuddamu kuno tekulina kubeera kuwanvu nnyo. Ekirowoozo ekikulu kimu oba bibiri, mu nnyiriri ezitasukka satu oba nnya ku buli kibuuzo. Kino "kituwagala" okusobola okulowooza. Oyagala okukigezaako? Olupapupa olukwata ku kino olukola okumala ennaku eziwerako nalwo lutekeddwa muno. Osobola okulwokyamu oba okuwandiika mu katabo ko.
- Wefumintirize ku by'osomye era olowooze ku ki Katonda k'ayagala okukugamba mu by'osomye. Naye jjukira nti buli kimu tojja kukitegereerawo. Naye ekyo tekikumalaamu maanyi. Katonda by'ayagala okukugamba ajja kubikulambululira.

- Buli Lunaku, Ebyo Katonda by'akulaze mu budde bwo wekka gezaako okubigabana n'omuntu omulala. Kino kisobola okubaganyula mwembi gwe ne gw'obuuliddeko.

## Omaliriza okusinza

Nkulagirira nti kigwanidde okufisaawo obudde obw'okusaba ng'omalirizza okusinza, omwo mw'oleetera ebiroozo byo ku by'osomye ne byoyagala mu lunaku eri Katonda. Bw'osenvula mu bulamu bwo obw'omwoyo, kigasa okugattako okusinza, okwebaza, okwenenya, okusaba by'oyagala n'okwegayirira mu ssaala zo.

## Bwemalirirza okugezesa nzizeeko ki?

Bw'oba nga onoonya amagezi agasingawo ku ngeri ey'okusoma Bayibuli, osobola okuzuula ebisingawo okuva ew'omukugu wa Bayibuli, Ellen G. White mu:

- *Emitendera eri Kristo,* Esuula 10: Okumanya kwa Katonda

- *Okuyigiriza,* Essuula 20: Okusoma n'okuyigiriza kwa Bayibuli.

Bw'oba olina obudde, nandiyagadde okuwuliza ku by'ofunye. Osobola okumpandiikira ku: helmut@haubeil.net. Nkwagaliza n'omutima gwange gwonna, obulamu obujjudde obw'okukkiriza n'enkolagana eyannamaddala ne Katonda.

Okulamusa okw'essanyu,

*Helmut*

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: ________________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?

Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiririri zino?

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?

Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: ________________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?

Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiririri zino?

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?

Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: _______________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?

Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiriri zino?

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?

Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: _______________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?

Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiriri zino?

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?

Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: ________________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?
Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiriri zino?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?
Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

**Ennaku z'omwezi: ____________Awasomeddwa mu Bayibuli: ________________**

**Ekilowoozo ekikulu**

Ekyawandiikibwa kikwata ku ki?
Mutwe ki oba Kirowoozo ki ekikulu ekiri mu nnyiriri zino?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

**Okubiteeka mu nkola**

Ekyawandiikibwa kya Bayibuli kino kitegeeza ki eri obulamu bwange?
Nzigyeemu makulu ki gyendi ?

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

______________________________________________________________________

## Ebibuuzo ku byalondebwamu mu Bayibuli eby'ekiseera eky'ennaku 14 ez'okugezesa.

**Olunaku olusooka: Zabbuli 23:1-6**
Katonda alina nkolaganaki n'abaana be? Abakoleraki?

**Olunaku olwokubiri: Zabbuli 1:1-6**
Nsobola okuweebwa omukisa, bwe…….

**Olunaku olwokusatu: Yoshua 1:6-9**
Mateeka ki agawebwa? Kiki ekisuubizibwa?

**Olunaku olwokuna: Lukka 19:1-10**
Zaakayo bwe yafuuka omukkiriza yayagala kukola ki? Lwaki Yesu yajja?

**Olunaku olwokutaano: Isaaya 43:1-5**
Bisuubizo ki Katonda by'atuwa wano?

**Olunaku olwomukaaga: Isaaya 53:4-6**
Kiki ekyali eky'okutuukaku Yesu era ku lw'ani?

**Olunaku olwomusanvu: Lukka 15:11-24**
Kiki ekyatuukawo kulw'enneyisa y'omulenzi asingako obuto? Taata yali mu mbeera ki?

**Olunaku olwomunaana: Zabbuli 25:1-7**
Dawudi asaba ki Katonda?

**Olunaku olwomwenda: Zabbuli 25:8-15**
Abo abatya Katonda basuubizibwa ki?

**Olunaku olwekumi: Zabbuli 91:1-7**
Katonda abeeraki eri abo abamukkiririzaamu?

**Olunaku olwwekumi nalumu: Zabbuli 91:8-16**
Kiki Katonda Ky'ayagala okukolera abo abamwagala, abamumanyi era abamuyita?

**Olunaku olwwekumi na bbiri: Zabbuli 92:1-7**
Ekirungi okukola kye ki? Lwaki?

**Olunaku olwwekumi na satu: Zabbuli 92:8-15**
Abo abenkanya banyonyolwako batya?

**Olunaku olwwekumi na nnya: Zabbuli 8:31-39**
Kiki ekisobola okutwawukanya ku mukwano gwa Katonda? Amaanyi gaffe okusobola okuwangula buli kintu gali mw'ani?

EBIKWATA KU KULAGIRIZA
Kampala- Uganda